# Ebintu 8 ebiyamba abaana obutakonera mu akademi



Abaana ba Prostat Academy e Kasangati.

LA enteeka- (pulaani) endekebwa upiira gw'abato nkulaaku- isumuluzo ku kisaawe u kukola kwa okka, wabula ne ey'obukodyo kutendekebwa. nga, om- nu akademi ka embi ezikoleb- baabwe. Abaana e eby'amaanyi abeesi- nu kuwulirwa obutabakolera uŋŋamu. ga 8 eziyamba tumbula ekitone akona;

**obudde obum-** etaaga obudde ndekebwa. Aka- batendeka omu- wiiki kubanga oma. Emu ku u Afrika abaana , ya butafuna kutendekebwa ganya nabo ufuna (oluusi buli lunaku).

Ekimu ku bi- piira gwa Afrika ya bisaawe eb- bu kino, akademi zibatendekera wa kkapeti ate mwana at- eekeddwa okuzannyira mu kisaawe ekiramba (ow'emyaka 14) omusanga mu kawunjuwunu k'ekisaawe akataweza bipimo bituufu!. Olwo anaayiga ddi okuwaata omupiira nga w'azannyira wafunda?



**Zimba ekitone**
**ne RICHARD MUGERWA**

**3. Abatendesi abakugu mu byabaana;** Entendeka y'omupiira gw'abaana eyawukana nnyo ku y'abakulu. Akademi zirina okukozesa bakooci abategeera obulungi abaana abato era nga bakwatagana bulungi.

**4. Ebikozesebwa ebimala;** Akademi egwanidde okuba n'ebikozesebwa ebimala nga emipiira. Buli mwana agwanidde okuba n'omupiira kimusobozese okukuguka mu kugukozesa obulungi. Ebikozesebwa ebitono bikugira omutendesi okumalayo obulungi ettu eri abaana kuba wabaawo abafikka ne basigala emabega.

**5. Okussa essira ku kukuuma obudde;** Kino kikulu nnyo mu nteekateeka y'omwana aluubirira okuzannya omupiira ogw'ensimbi (pulofeesono). Omuzannyi atakwata budde tasobola mupiira gwa pulofeesono kubanga okukeerewa bakooci tebakuguumikiriza era tekuteesebwako. Omuzannyi bw'otomuyigiriza kukwata budde okuva mu akademi, oba omutemeddeko ettaka.

**6. Okumugezesa ekimala mu mipiira egy'omukwano;** Akademi erina okutegekera abaana emipiira egy'okwegezaamu ng'ekigendererwa ye kooci okulaba ensobi zaabwe azitereeze mu kutendekebwa.

**7. Okubasigamu empisa.** Omwana ateekeddwa okuyigira empisa mu akademi kuba bw'ava obuto nga kiwagi, tasobola kuziyiga mu bukulu ate ng'omuzannyi atalina mpisa tasobola kuzannya mupiira gwa pulofeesono.

**8. Ennono ya akademi;** Buli akademi nga tennawandiisa batendesi, esaanidde okuba n'ennono y'omupiira gy'eyagala abaana bazannye. Ennono eno mw'enoonyeza abatendesi abasobola okugitendeka. Kikyamu okumala gawandiisa batendesi nga buli omu by'asanga by'atendeka abaana.

*rmugerwa166@gmail.com*
***0774498980***

agajjavu n'ategа Kvaratskhelia mu bbookisi. Mosquera yawonye kaadi eya kyenvu lwa nsonga nti obulagajjavu obw'ekika kino tebulagirwako kaadi singa ddiifiri agaba peneti.

Singa ekisobyo kyabadde bweru wa bbookisi, Mosquera yandifunye kaadi ate olw'okuba yabadde yafunye dda olw'okumala obudde mu kukasuka omupiira, yandifunye emmyuufu. Peneti yabaddeyo.

Okusalawo okwokubiri kwabadde mu ddakiika ey'e 101, Mendes owa PSG ne Madueke bwe beerize ekigwo. Ddiifiri yalabye bulungi nnyo nga bombi bakozesa amaanyi okuwangula omupiira. Singa Madueke teyasise mukono gwa Mendes, osanga Arsenal yandifunye peneti. Ddiifiri okugaba peneti ateekeddwa okuba nga ddala ekisobyo akirabye. VAR teyayingiddewo kuba tewaabadde kimwetaagisa. Buli lw'olaba nga ky'oyita ekisobyo VAR takiyingiddeemu, manya nti akkaanyizza ne ddiifiri. Nange nakkaanyizza nabo.

Kaadi ya Arteta ne Rice z'abadde za butassa kitiibwa mu nsalawo ye (ddiifiri). Timber ye yawonye kaadi kubanga yasusse okumala obudde mu ku kasuka omupiira. Enzannya y'okwonoona obudde tujja kugiwona okutandika ne World Cup.

*alitomusange12@gmail.com*
*0772624258 / 0704771645*